**335/1**
**LUGANDA**
**Paper 1**
12 August 2024
**2 hours**

**ENTEBBE JOINT EXAMINATION BUREAU**

**Uganda Lower Secondary Certificate of Education**

**LUGANDA**

Olupapula Olusooka

**Okuwandiika emboozi n'okukyusa**

Essaawa Bbiri

**EBIGOBERERWA:**

*Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu* ***bibiri****:* ***A*** *ne* ***B****.*

*Lulimu ebibuuzo* ***bisatu****.*

*Mu* Kitundu ***A*** *mulimu ennamba* ***bbiri****, kolako* ***emu****;* ***1(a)*** *oba* ***(b).***

*Mu* Kitundu ***B*** *mulimu ennamba* ***emu*** *era yabuwaze.*

*Ddamu ebibuuzo* ***bibiri*** *awamu.*

*Ebibuuzo ebisukka mu by'olagiddwa tebijja kukeberebwa.*

*Eby'okuddamu biwandiike mu mpapula ezikuweereddwa.*

## EKITUNDU A

*Kola* **1. (a)** *oba* **1. (b)**

**1.** (a) **Soma akatundu kano wammanga n'oluvannyuma owandiike emboozi ya bigambo 350 – 400.**

Mu luwummula olw'olusoma olw'okusatu mu mwaka oguwedde wasalawo ogende owummulireko mu kyalo ewa jjajjaawo.Wabula oluwummula lwagenda okuggwaako nga weekokkola ekyalo era neweerayirira obutaddayo, olw'ebyo ebyakutuukirako eyo.

Wandiika ng'onnyonnyola ebyakutuukako, olage n'engeri gye wabivvuunukamu.

**Oba**

(b) **Soma akatundu kano wammanga n'oluvannyuma owandiike emboozi ya bigambo 150 – 200.**

Gyebuvuddeko abayizi mu masomero agawerako mu bitundu by'eggwanga ebitali bimu babadde beegugunga era ebintu by'amasomero bingi ne byonoonebwa mu mbeera eyo. Abayizi bangi poliisi ekkakkanya obujagalalo ezze ebagombamu obwala abamu ne batwalibwa ne mu makomera olw'okwetaba mu bwegugungo obwo.

Bwewakola okunoonyereza ggwe ng'omuyizi wasiniya ey'okuna, wazuula ensonga eziwerako kubivaako okwegugunga kw'abayizi mu masomero, z'oyagala okutegeeza abakulu be kikwatako. Kale nno bategeeze.

## EKITUNDU B

Jjajjaawo bw'abadde asoma olupapula lwa Daily Monitor, alabye mu ekigambo WHO n'alemwa okutegeera amakulu gaakyo kubanga ye abadde akimanyi mu ngeri ndala, era ne kimulemesa okutegeera ekiwandiiko kyonna.Bwatyo ayagala kumanya amakulu g'ekiwandiiko ekyo ky'abadde asoma mw'asanze ekigambo ekyo. Yamba jjajjaawo asobole okutegeera amawulire g'abadde asoma.

According to the World Health Organization, midwifery services are key to family planning, a safe pregnancy and child birth as well as healthy newborns. Many maternal and newborn deaths can be prevented if competent midwives assist women before, during and after child birth.

WHO goes on to say that midwives also support mothers to breast feed and to prevent mother-to-child transmission of HIV. Imagine therefore, how many more lives would be saved if we had enough midwives around the country.

*(Extracted from* **Daily Monitor**, *Wednesday May 6, 2015)*